ENTEEKATEEKA Y'OKUSINZA OKWOKUWEREKERA JJAJJA NAUME NAKALUBI

Oluyimba 268

1. KATONDA onsembeze
Kumpi naawe,
Ne bwe ndikwatibwa
Obuyinike.
Neeyongerenga era
Okusemberera
Okumpi naawe.

2. Obudde obw'obulamu
Buwungeera:
So siraba n'omu
Anambeera,
Nga nkwegayirira
Olw'ekyo, sembera
Okumpi nange.

3. Kale okwolesebwa
Kuve eri ggwe;
Era awalinnyibwa
Walabike.
Nga bamalayika
Bampenyezza okujja
Okumpi naawe.

4. Kyenva nsanyukira
Ekisa kyo,
Kubanga owulira
Omuddu wo.
Katonda tondeka,
Nga mbulubuutira
Ewala naawe.

5. Edda ndiyingira
Wa Kitange;
Nga nkomekkereza
Ennendo zange.
Ekirinsanyusa
Yesu, kubeerera
Awamu naawe.

EBY'OKUSABA EBISOOKA

Nze kuzuukira nobulamu: akkiriza nze, newakubadde nga afudde, aliba mulamu: nabuli mulamu akkiriza nze talifa emirembe nemirembe. Yok. 11:25,26

Mmanyi nga omununuzi wange aba mulamu, era nga aliyimirira kun-si enkomerero: era eddiba ery'omubiri gwange bwe lirimara okuzi-zirizibwa bwelityo, naye mu mubiri gwange ndiraba katonda: gwendiraba nze mwene, n'amaaso gwnge galimutunuulira, so si mu-lala. Yob. 19:25-26.

Tetwaleeta kintu kunsi, kubanga era tetuyinza kugyamu kintu. Mukama yeyawa, era mukama yagyeewo,

ZABBULI 133

1.Laba bwekuli okulingi bwekusanyusa, ab'oluganda okutuula awmu nga batabaganye!
2.Kulinganga amafuta ag'omuwendo omungi agali ku mutwe, agaku-lukutira mu kirevu, mu kirevu kya alooni; agaserengeta ku lukugiro lw'ebyambalo bye;
3.Ng'omusulo gwa keremooni, okukkira ku nsozzi za Saayuuni:
4.Kubanga eyo mukama gye yalagirira omukisa, bwe bulamu ob-we'mirembe n'emirembe.
Ekitiibwa kibe eri kitaffe, n'eri omwana, n'eri omwoyo omutukuvu,
Nga bwekyali olubereberye bwekiri n'ekaakano, bwekiriba emirem-be n'emirembe. Amiina.

EKITUNDU EKISOOKA
Zzabuuli 90:1-12

Mukama gwe wali kifo kyange ekyokutuulamu emirembe gyonna. 2. ensozzi nga tezinazaalibwa, era nga tonnabumba nsi n'ebintu, ekuva ku mirembe gyonna okutuusa mu mirembe gyonna, gwe Katonda. 3. Osindika abantu mukuzikirira; era eyogera nti muweddeyo, mwe abaana ba bantu. 4. kubanga emyaka lukumi mu maaso go giri ng'olwajjo olwayita, era ng'ekisisimuka ekye'kiro. 5. obatwalira ddala nga mukoka; bali ng'otulo: enkya bali ng'omuddu ogumera. 6. enkya guloka, gumera; akawungeezi nga gusaliddwa, era nga guwotose. 7. kubanga obusungu bwo butumalawo, era bwonyiiga, ne twerarikirira. 8. otadde obutali butuukirivu bwaffe mu maaso go, ebibi byaffe eby'ekyama mu musana gw'amaaso go. 9. kubanga ennaku zaffe zonna ziyita mu busungu bwo; emyaka gyaffe giggwaawo ng'ekirowoozo. 10. Ennaku z'emyaka gyaffe gyemyaka nsanvu, era naye amanyi gaweza emyaka kinana: naye amalala gaabwe kwekutegana n'oku-nakuwala okweleere; kubanga gayita mangu, naffe ne tubula. 11.Ani amanyi obuyinza obw'obusungu bwo, n'okunyiiga nga bw'ogwanira okutiibwa? 12. otuyigirize tubalenga bwe tuti ennaku zaffe, tulyoke tufune omutima omugezigezi.

OLUYIMBA 231

1. AWAMU ne Yesu, emirembe gyonna
Bwe bulamu bwange nnyini, bwe yampa bwa buwa
Wansi ndi muyise, Yesu nga taliiwo
Buli lunaku lwe mmala, mba nsembedde gy'ali

2. Gy'abeera Kitange, gye ndibeera nange;
Ne nfaanana okulabayo, olw'okukkiriza;
Ne ndyoka nkaaba nnyo okutuukayo mangu;
Bwe busika bwabwe bonna abeesiga Yesu.

3. Ate nga wambuze; nga ejjiba lya Nuuwa
Bwe lyaddinnana ku mazzi, nange bwe mba bwe ntyo
Naye oluvannyuma, omusana gwaka
Bwe ntyo bwe nsanyuka nnyini, nga ndabyeyo nate.

4. Ennaku si nnyingi, kw'alijjira Yesu
Okututwala ewuwe gy'atulongooseza:
Kyenvudde njaguza, essanyu linzise,
Yesu! Awamu ne Yesu emirembe gyona.

EKITUNDU EKY'OKUBIRI
Yokkana 14:1-6

Omutima gwamwe tegweraliikkiriranga:mwkkirize katonda nange munzikirize. 2. mu nnyumba ya kitange mulimu ebifo bingi eby'oku-beeramu. Singa tekiri bwekityo, nandibagambye; kubanga ngenda okubateekera teekera ekifo. 3. Era obanga ngenda okubateekera teekera ekifo, ndikomawo nate nembatwala gyendi.nammwe mubeere eyo. 4. Era gy'engenda, ekkubo mulimmanyi. 5. Tomasi n'amugamba nti,"mukama waffe, tetumanyi gy'ogenda; ekkubo tulimannya tutya?" 6. Yesu n'amugamba nti, "Nze kkubo, n'amazima n'obulamu: tewali ajja eri Kitange, wabula ng'ayita mu nze.

OKUGANZIKA EBIMULI KU MUBIRI GWA JAJJA.

(LAYING OF WREATHS)

ABOOGEZI

1. Dennis Kavuma & Nini
2. Mrs Adelina Lubogo
3. Mrs Joyce Mpanga
4. Barbara Mulwana Kulubya

Okusoma obubaka

Okwebaza olw'obulamu bwa jajja.

Oluyimba 229 (188)

1. WALIWO ensi esinga eno,
Nga nnungi! Nga nnungi!
Tetuukayo kibi kyonna,
Ensi eyo, nga nnungi!
Tulikuba ennanga empya,
Wamu ne bamalayika,
Ennanga zaabwe za zaabu:
Ensi eyo, nga nnungi!

2. Mbu teri bire ku ggulu,
Ensi eyo, nga nnungi!
Teri nnaku na kukaaba,
Ensi eyo, nga nnungi!
Banywa mu luzzi olw'ekisa
Ne balaba Omukolozi
Amaaso ge gwe musana;
Ensi eyo, nga nnungi!

3. Newankubadde nga fenna
Tujjudde ekibi,
Naye Yesu yakkiriza
Okufa, ku lwaffe!
Tulitukuzibwa fenna
Olw'omusaayi gwa Yesu,
Tulifuga wamu naye,
Mu nsi eyo ennungi.

Okubuulira 177 (Tukutendereza…)
by: Rev. Ddumba Simeon Charles.

1. YESU Mulokozi wange
Leero nze wuwo wekka;
Omusaayi gwo gunnaazizza,
Yesu Mwana gw'endiga.
Tukutendereza, (n'ebirala).

Tukutendereza, Yesu:
Yesu Mwana gw'endiga;
Omusaayi gwo gunnaazizza,
Nkwebaza, Mulokozi.

2. Edda nafuba bufubi
Okufuna emirembe;
Leero mmaliridde ddala,
Okweyabiza Yesu.
Tukutendereza, (n'ebirala).

3. Nnaababuuliranga abantu
Obulokozi bwonna,
Obutali bwa kitundu
Obulamba obw'obuwa.
Tukutendereza, (n'ebirala).

4. Nnaategeezanga ebya Yesu
N'obuvumu ne sitya;
Eyanzigya mu busibe
N'okuwonya eyamponya.
Tukutendereza, (n'ebirala).

5. Neebaza eyannunula nze;
Eyamponya wa kisa!
Yesu ankuuma ansanyusa era,
Bulijjo yeebazibwe
Tukutendereza, (n'ebirala).

Ezikiriza eyabatume

Nzikiriza Katonda Kitaffe Ayinza-byonna, Omutonzi w'eggulu n'ensi; ne Yesu Kristo Omwana we omuyekka Mukama waffe, eyazaali bwa omuwala atamanyi musajja Malyam, eyali olubuto olw'Omwoyo Omutukuvu; na bonya abonyeze bwa kumirembe gya Pontio Piraato, n'akomererwa kumusaalaba, n'afa; n'aziikibwa, n'akka emagombe mu bafu; olunaku olw'okusatu n'azuukira mu bafu, n'agenda mu ggulu; attudde kumukono ogwa ddyo ogwa Katonda Kitaffe Ayinza-byonna, naye aliva ayoo kukomawoo kusala omusango gw'abalamun'abafu.

Nzikiriza Omwoyo Omutukuvu, n'Ekkanisa entukuvu ey'abantu bonna era ebuna wonna, n'okusseekimu okw'abatukuvu, n'okusonyiyibwa ebibi, n'okuzuukira kw'abafu; n'obulamu obutaggwaa wo.Amiina

Okusaba n'omukisa
MC Remarks

Oluyimba nga tufuluma 165
(Erinnya lya Yesu ddungi …)

Oluyimba 165 (115)

1. ERINNYA lya Yesu ddungi
Eri akkiriza;
Lisangula amaziga ge,
Limalamu okutya.

2. Litereeza n'omwoyo gwe
Linyiga ebiwundu;
Ye mmere y'omuyala, era

Liwumuza akooye.

3. Erinnya gganzi, lwe lwazi
Kwe nzimba enju yange
Lye ggwanika eritaggwaamu
Emirembe gyonna.

4. Musumba wange, nkwebaza,
Mulokozi wange;
Bulamu bwange, nkwebaza,
Era ekkubo lyange.

5. Okufuba kwange kwonna
Tekuliimu maanyi;
Naye bwe ndikulabako,
Ndikutendereza.

6. Ontegeezenga bulijjo,
Ekissa kyo ekingi
Erinnya lyo linsanyuse
Mu ntuuko ez'okufa.

Life Celebration Service:
Wednesday 9th March 2022, 10am
St. Apollo Kivebulaaya Kansanga, Church of Uganda

Burial: Thursday 10 March 2022, 12pm -
Matale, Kyagwe

Jajja Naume Nakalubi yazaalibwa mu 1916; omweezi og-wokubiri (Mukutulasanja), olunaku lwenyini nga telumany-iddwa- nekisalibwawo nti buli mwaka nga 14 Mukutu-lasanja, ku Valentine's Day, lwanakuza amazalibwa gge.
Jajja Naume abamuzaala beddira nvubu. Errinya lya Taata we lyali Reuben Kizza. Maama we yali Erina Nakabugo, mwanyina wa Asanasiyo Baliruno, bagalamidde e Nakwaya, Singo. Ekyenaku, Maama Erina Nakabugo yaffa nga Jjaja Naume wa myaka etaano; oluvanyuma nakulira e'bukojja. Bazaalibwa abawala bana, abalenzi basatu. Ya-kulira mu maka ama Kristayo. Family ya Baliruno, n'okutu-usa Jjaja Naume wafiridde , nga baagalana nnyo nnyo, mungeri eyenjawulo, era nga bafanaganna nnyo obweeru - nga beeru! Abantu abamu nga Jjaja Naume bamuyita maleeto.

Jajja Naume nga mutto, yasomera mu masomero e "Katta" ne "Buwambo" gyeyayiga A-E-I-O-U, ne Catechism - omusommo gw'okusibwa ko emikono. Okusoma mu-biseera ebyo nga kwabwerere naye nga abawala basobola kulonda ku Nursing, Midwifery oba Obusomessa , nga emi-somo emirala gyabalenzi. Emyaka mingi, n'oluvanyuma lwokuweza emyaka kikumi; nga buli lunaku Jajja Naume alina okusoma amawulire. Yasookera ku Ngabo, oluvanyumma nga asoma Bukedde. Nga teyeetaga na ga-lubindi, nga alaba bulungi era nga atunyonyola byonna ebiffa mugwanga, okuva kubikwata ku bakuleembezi b'ensi, n'okutuuka kumpaka z'obubina!
Jajja Naume yafumbirwa Owekitiibwa Ezekeri Walusimbi

era namuzaalira abaana bana; Catherine Zawedde, Alice Nabi-weke, Marjorie Nalikka ne Samwiri Walusimbi. Jajja Ezekeri yalikko Omuwanika wa Buganda era nebabeera eMengo mu-biseera ebyo. Jajja Naume alesse omwana, Alice Nabiweke, abazukulu, abazukulu nakabirye (great grandchildren), ne nakasatwe (great great grandchildren).

Jajja Naume yalokoka nga muto, era yayagala nnyo Mukama. Nga anyumirwa nnyo okuwuliriza n'okubulira enjiri, okuyiim-ba n'okusomma Baibuli. Munaku zino, nga Jajja abulira - twagalane nga tosonyiwagana. Twagale nnyo Mukama. Tuleme kukayana naabantu. Abantu tubaseeko omwoyo. Ja-jja nga alina emboozi, n'okubulilira, nga bwotuula naye ne munyumya ajukkira bingi nnyo, ate nga alina "wisdom" gya-kuwa neweewunya.

Jajja Naume yali mukozzi nnyo. Nga agamba okulima teeka, ate nga kyali kilabo kye. Yali mulimi. Era nemyaka Jajja gya-badde abeera e Kansanga, nga akyalina obusobozzi, nga abeera nennimiro ye; nga alima muwogo, lumonde, ebi-janjaalo, amatooke, ebugga. Nga alunda n'enkoko ezaali-zoowoma ennyo, n'enkoko ezaamagi. Nga bwava okulima naluka emikeeka. Nga Jajja tatuulirawo nga taliiko kyaakola.

Jajja Naume okuweza emyaka kikumi nga twewuunya, nga tumubuuza magezi ki gaatuwa. Nga Jajja agamba Mukama yakimukoledde. Ebimu - nga sukali, yamuvaako dda mu mulembe gw'Amini; n'omunnyo ng'alya mutono ddala. Nga amagezi gaatuwa twegerere emmere gyetulya!

Nga bwoomuwa esowaani nga emere nnyingi nga Jajja asaba etolebweko. Jajja Naume nga tusaaga nti ali "Limited" - kyamanyidde okulya kyaagala okulya, so si kukyuusa kyuusa buli lunaku. Naye ate oluusi ngatusessa, bamu-leetera yo Chocolate Buttons, nezimuwoomera nnyo, na-salawo nti

elyo dagala. Nga asaba chocolate we nti ddagala lye, limukola bulungi!

Jajja bwagenze anafuwa, nga asigadde atuwa e'kyokulabira kko, nga asiima nnyo buli kyebaba bamukoledde. Nga bu-lik-iseera aba yeebaza. Nga alina essanyu newankubadde ali mu bulumi. Nga mugumu - nga fenna abamwetolodde atu-zaamu amaanyi.

Twaagala okweebaza ennyo ennyo ekisa kyemulaze Jajja Naume; bonna abaagade Jajja mukiseera Mukama kyeya-mu-tuwa. Abamulambudde, abamusabidde, abamu-jjanjabye, abamulabiridde. Mwebale nnyo mwebalire dda-la. Mukama abajjukire. Mukama akibabalire. Mukama abawe omukisa ogwaamanyi.